# Museveni alagidde ku akulira akasiimo k'abakozi ba Gavt.

Bya VALLY MUGWANYA

PULEZIDENTI Yoweri Museveni alagidde minisita w'ebyensimbi Matia Kasaija okuzza eyali akulira emirimu mu kitongole ekivunaanyizibwa ku nsonga z'akasiimo k'abakozi ba Gavumenti ekya Uganda Retirement Benefits Regulatory Authority (UBRA), Martin Nsubuga ku mulimu.



Nsubuga

Museveni yategeezezza nti, nga February 17, 2026, yafuna ebbaluwa eyawandiikibwa akulira akakiiko akavunaanyizibwa ku bakozi ba Gavumenti aka (Public Service Commission), Winnie Kaboggoza, ng'alaga nti, Nsubuga talina musango era yalondebwa mu butuufu,

Museveni yalagidde Katikkiro wa Uganda, Robinah Nabbanja okukasa nti, ekiragiro kino kissibwa mu nkola.

Ebbaluwa Museveni gye yawandiikidde Kasaija, yaweereddwaako omumyuka we n'omuwandiisi w'enkalakkalira mu minisitule y'ebyensimbi Ramathan Ggoobi.

Ekiragiro kino we kijjidde nga waliwo okusika omuguwa wakati wa Nsubuga n'olukiiko olufuzi olwa UBRA, ku by'okuzza obuggya endagaano ye. Okusika omuguwa kwabalukawo mu 2024, endagaano ya Nsubuga ng'ebuzaako emyezi ena eggweeko mu March wa 2025.

Kigambibwa nti, Nsubuga yali yasaba olukiiko olufuzi olw'ekitongole kino olwali lukulirwa eyali omubaka wa Buhanguzi East, Julius Bigirwa Junjura okugizza obuggya ne lugaana.